Okwaniriza Abagenyi Abazze mu Lukiiko Kwa Chairman Ttabamiruka ’07
Organizing Committee
Mw. Edward Semambya

Ssabasajja Kabaka, Katikkiro, Abalangira n’Abambejja, Jajja ffe omulungamya w’abakulu b’ebika, abakungu ba Ssabasajja ne Baganda bannange mwenna. Tubasanyukidde nnyo nnyini mu lukiiko luno Ttabamiruka ’07.

Ngenda kwogera ku bintu bisatu:

1. Ttabamiruka lukiiko lw’abaani?

2. Lwaki twasalawo okukola Ttamabiruka ‘07

3. Biki byetusubira okuva mu Ttabamiruka ’07?

1. Ttabamiruka lukiiko lw’abaani?

    a) Ttabamiruka ’07 lukiiko lwa Baganda n’abajwa abali mu North America n’ebulaya.

    b) Abalala abaliwano abavudde e Buganda ne Uganda muli bagenyi baffe.

    c) Abagenyi bafe abalala mwe muli mikwano gyaffe abatali Baganda.

    d) N’abalala beebo abatali mu biti byememye wagulu.
2. Lwaki twasalawo okukola Ttabamiruka ’07?

Mumwezi gwa March 2006, twatunulira embera Buganda gye limu netusalawo nti tulina okubaako kye tukolawo.

Ttabamiruka kye kibala kye mirimu gya basajjabo n’abazaana bo gye baabadde bakola okuva mu March 2006. Okuteekateka ebinateseebwako ne bye banayanjula mu lukiiko luno.

3. Biki byetusubira okuva mu Ttabamiruka ’07?

Ssabasajja bino wamanga byetusubira okuva mu Ttabamiruka ‘07

    a) Tugenda okwanjula omulimu oguyitibwa Buganda Trust, Inc, ogulubirira okuwa Buganda omusingi ku bye nsimbi na be mirembe egijja gwebalisangaawo

    b) Tugenda okwanjula omulimu oguyitibwa Asenguka ogujja okutemera aBaganda naddala abasomyeko empenda ez’okweyambisa visa z’okujja mu America.

c) Tugenda okwanjula omulimu gwetuyita Omukolo gw’ebitabo. Omulimu guno gujja kuyamba Mutesa I Royal University okukulakulanya ettendekero lyayo ely’ebitabo.

d) Tugenda kwogera, tufune endowooza ezenjawulo, tumanyagane ne kubimu tukuriziganye. Nkyogedde bwentyo kubanga aBaganda tuli ggwanga ddene ate tuli bagezi nnyo, n’olwekyo tetusobola kubeera nandowoza emu ku bintu byonna.

Abateesitesi bantumye okutegeeza abagenyi baffe nti ku bintu ebimu aBaganda tulina okubeera n’edoboozi limu. Bino mwe muli ettaka lyaffe n’ebirala byetukayanira era n’okufugibwa nga bwetweyagalidde.

Era Ssabasajja wengambira nti ekisera kituse bulimuntu asalewo oba ali naffe oba ali n’abatulemesa.

Ssabasajja nsaba sentebbe wa Ggwanga Mujje NY/NJ abatutuma kumulimo guno agye naye ayanirize abagenyi.

Ssabasajja awangaale.